


Uganda Kobs eyatuuse ku luzannya lwa ttiimu 32 mu U17 World Cup.

# Ebibuuzo

# Ttiimu eziva mu kibinja mu U17 World Cup zifuna ki?

**Arsenal yateeba ggoolo mmeka mu Premier sizoni ewedde? Erina mmeka kati? (0770688490)**
Yateeba 69. Yabadde na 20 nga tennakyaza Spurs.

**Ng'oggyeeko George Weah, mpaayo abaali bassita nga balina abaana abazannya omupiira (0756045511)**
Bangi nnyo. Federico Chiesa owa Liverpool, kitaawe Enrico Chiesa yali mu Laizo. Giovanni Simeone ne kitaawe Diego Simeone balki mu Atletico Madrid, Erling Haaland ne kitaawe Alfe Inge Haaland yaliko kapiteeni wa Man City, n'abalala.

**Omuzannyi bw'akasuka omupiira ne ne gunywa ggoolo ebalwa? (Mpaata 0741506055)**
Nedda. Tewali akkirizibwa kuteebesa mukono.

**Bbandi eyali ku mupiira gwa Sunderland ne Arsenal yajja lwaki? (0756045511)**
Waliwo oluyimba *Can't help falling in love* olwa Elvis lwe baali bageegeenya.

**Ku Pele ne Maradona ani asinga ebyafaayo mu mupiira? (0756045511)**
Pele. Alina World Cup 3, Maradona 1.

**Mu nsiike za Man City sizoni eno, waliwo gwe yali eremeddwa okuweza ebitundu 50 ku buli 100 mu kwefuga omupiira? (Henry)**
Mu gwa Liverpool. Man City yabadde ne 'possession' ya bitundu 49.2 ku 100.

**Ani alina likodi y'okutendeka emipiira emingi? (0756045511)**
Sir Alex Ferguson. Emipiira 2155.

**Lwaki Mujib Kasule baamugaana okwesimbawo ku bwapulezidenti bwa FUFA? Akola ki kati? (Badru Kasozi 0761588025)**
Tebaamugaana. Ebisaanyizo abirina kyokka agamba nti embeera FUFA gye yassaawo yali temuganya kwesimbawo mu bwesimbu. Addukanya kiraabu ye, Proline ne akademi yaakwo.

**Benitez ali ku ki kati? (Charles, Jeza 0702828433)**
Atendeka Panathinaikos eya Greece.

**Kituufu nti Everton ne Liverpool zaali ttiimu emu? (Charles, Kamya 0702828433)**
Yee. Liverpool yava mu Everton. Everton yasooka kuyitibwa Domingo FC.


Benitez

**Ku wiini za Premier sizoni eno, mmeka ezifuniddwa ttiimu eziri ku butaka? (Jane 07780399214)**
Wiini 58 ku mipiira 110. Egya wiikendi tegiriiko.

**Zidane atuula ku kakiiko akafuzi ka Real Madrid? (Ester)**
Nedda.

Alina ekibuuzo ku byemizannyo, wandiika BUUZA obuukewo akabanga ozzeeko ekibuuzo, oweereze ku 0782602304.

**Ttiimu bw'etuuka ku luzannya lwa ttiimu 32 mu U17 World Cup efuna ki? (0770635516)**
Tewali.

**Mamardashvile owa Liverpool yaakakwata peneti mmeka okuva mu 2024? (Zigiri)**
Peneti 6.

**Ku mipiira 1,000 egya Guardiola mu butendesi, awangud-deko emeka? (Magala)**
Afunyeemu wiini 716.

**Ten Hag yawangulako ku ngule y'obutendesi bw'omwezi mu Premier? (Joel 0705356246)**
Yawangula eya November 2023.

**Kituufu nti Gabriel Heinze y'amyuka Arteta? (Ssebuguzi)**
Y'omu ku bamyuka be.

**Bufalansa, Girimaani ne Bungereza zaali zisubiddwaako World Cup? (Stephen 0753016276)**
Yee. Bufalansa yasubwa eya 1950, 1962, 1970, 1974, 1990 ne 1994.
Bungereza teyaliiyo mu ya 1930, 1934, 1938, 1974, 1978 ne 1994.
Girimaani teyazannya ya 1930 ne 1950.

**Fabregas yazannyako ne Gallas? (0741508996)**
Yee. Baazannya bombi mu Arsenal wakati wa 2006 ne 2011.

**Muzannyi ki asinga empisa embi mu Premier mu byafaayo? (Dan)**
Bano be baasinga okufuna kkaadi emmyuufu. Patrick Vieira (Arsenal), Duncan Ferguson (Everton/Everton) ne Richard Dunne (Everton/Man City/Aston Villa/QPR). Buli omu yafuna 8.

BIDDIDDWAAMU WILLIAMS
DAVID KIBANGA